


# Sarita n'Ekinyonyi ky'Enjovu

Byawandiikibwa Linda Rae Liss

Ebifaananyi bya George Carrara





# Abazannyi

Sarita

Anvi, Ekinyonyi ky'Enjovu




Sarita abeera mu kyalo ekiriraanye ekibira. Akozesa emiggo okutambula, kale agenda mpola okusinga abaana abalala. Sarita ayagala kwegatta ku baana abalala okuzannya emizannyo.



Sarita yakola omukwano ogw'ekyama mu kibira, Anvi, ekinyonyi ekinene ennyo. Munene nnyo tasobola kubuuka. Abantu bamuyita Ekinyonyi ky'Enjovu. Batya Anvi. Maama wa Sarita agamba Sarita abeele wala n'Ekinyonyi ky'Enjovu



Naye Sarita akimanyi nti Anvi mugonvu ate nga muwoomu. Yevuga ku mugongo gwa Anvi okutuuka ku appo ezili waggulu ku miti emiwanvu.



Olunaku lumu, appo zagwa okuva ku kigaali k'omulimi w'appo ne zigwa mu luguudo. Embalaasi edduka okulya zi appo. Elya appo newanda ekyomunda.




Anvi alaba ekyomunda kya appo ng'adda eka mu kibira. Atwalako katono. Alinya ebigere ebinene ku luguudo.



Mu kibuga, abantu boogera ku mbalaasi eyabuze. "Ekinyonyi ky'Enjovu kyalya embalaasi yaffe!" omusajja omu awogana. Sarita ayimirira mu maaso g'abantu. Abagamba nti, "Teyali Anvi! Alya bimera byokka." Naye omusajja omukadde amugamba nti, "Shh! Abaana balina okusirika."



Maama wa Sarita amunenya nti, “Okimanyi abaana tebalina kwogera mu maaso g’abantu abakulu.  Kati ddayo eka.”



Sarita munyiivu nnyo kubanga alowooza nti abantu bajja kulumya Anvi. Kale, akola enteekateeka okuzuula ekyaliwo. Asooka kugenda ku kyikomera. Ekiddako, alaba ebigere by'embalaasi mu kkubo.



Ekiro, abantu bagenda mu kibira okunoonya Anvi. Nga bwe bayigga Anvi, Sarita adduka okumutaasa. Ajja yevuga ku Anvi era agoberere omukululo ogugenda ewe mbalaasi.



Ku nkomerero, Sarita ajja mu kisu kya Anvi. “Jjangu nange!” yeegayirira Anvi. Alinnya waggulu ku mugongo gwa Anvi. Badduka okwekweka ebuziba wekibira.



Oluvannyuma lw'ekiseera, badduka ne bagenda ku luguudo. Sarita akozesa ettaala ye okumulisiza ekkubo lyabwe. Bagoberera ebigere by'embalaasi.



Oluguudo lwolekela mu lusuku lw'appo. Bamulisa ekitangaala ku mbalaasi!  Eli mukulya ziappo.



Abantu batuuka ne beewuunya! “Otegedde otya nti embalaasi eli wano?” bwe babuuza. Sarita agamba nti, “Nnalabye ebigere bya yo ku luguudo nze ne Anvi netubigoberera wano.” Omukadde agamba nti, “Tetulina kutya bintu bya njawulo.”



Oluvannyuma lw'ekyo, buli omu bw'aba azannya assaamu Anvi ne Sarita. Tebafaayo oba ba njawulo. Sarita mugezi era ayamba abaana okuwangula emizanyo. Sarita ne Anvi basanyufu nnyo olw'okuteekebwamu.

## Ebikwata ku binyonyi by'enjovu

*Byabeeranga mu Madagascar ku lubalama lw'ennyanja mu Buvanjuba bwa Afrika


*Byasaanawo mu myaka gya 1600

*Oluganda olusinga okubeera ku lusegere kye kinyonyi kya Kiwi eky'omu New Zealand


*Byazitowa kkiro 500 (1,100 lbs)

*Obuwanvu bwa Mita 3 (fuuti 9.8)


*Amagi gaabyo gaali manene okusinga omutwe gw'omuntu






**Maapu ya Madagascar**


3 Meters
2 Meters
1 Meter
0

Ebibinja by'Omukwano eby'Emirembe
Okusoma no kuwandika okwe Mirembe no Bwenkanya

2026.07.21

FRIENDS PEACE TEAMS

**Literacy for Peace and Justice**

www.friendspeaceteams.org/fbc

Some rights reserved. This book is Creative Commons BY-SA 4.0 licensed. You may copy, modify, distribute, or perform the work, even for commercial purposes, without asking permission. For full terms of use and attribution, see https://creativecommons.org/licenses/by -sa/4.0/

NEST-USA, Inc © 2017 distributed under the CC BY-NC 4.0 license.